# 'Mwekwate tekinologiya ensi kw'etambulira'




Polof. Kattampackal (wakati mu ttaayi) n'abayizi abaawangudde ekikopo mu mpaka za tekinologiya eza Coding nga basala keek.

ABAZADDE n'abayizi bawabuddwa okwettanira ennyo amasomo ga tekinologiya, nti kubanga kati ensi gyeraga era kwetambulira.

Byayogeddwa amyuka cansala wa ISBAT yunivasite, Polof. Mathew Kattampackal, eyabadde omugenyi omukulu ku mpaka za tekinologiya ez'amasomero ga siniya eza Inter- schools Coding Competition, ez'okukozesa ennimi za computer ez'enjawulo okugonjoola ekizibu (coding) eziyindidde mu kisaawe e Kololo.

Pulof. Kattampackal yategeezezza nti, okusinziira ku nsi nga bw'etambula, buli muntu yeetaaga obukugu bwa tekinologiya, nga ye nsonga lwaki ISBAT yunivasite eweereddwa omukisa okutegeka empaka zino kubanga erina obumanyirivu bungi mu tekinologiya. Empaka zeetabiddwamu amasomero 58 okuli; Mengo SS, King's College Budo, Naalya SS, Kinaawa High, Emma High School, Bishop SS Mukono, Bilal Islamic, Airforce SS, Standard High School Zana, Pine International, Seeta High-school, Iganga girls, Trinity College Nabbingo, our Lady of Africa, Mt St Henrys Mukono, St Joseph Naggalama, Forest hill Mukono, Bilal Internation, n'amalala.

Zigenze okuggwa nga a Standard High School Zana linywedde mu malala akendo ne lisitukira mu kikopo ky'omwaka guno n'obubonero 470, nga lyaddiriddwa King's College Budo n'obubonero 380, Pine International 360, Mt. St Henrys Mukono 340, Mengo SS neemalira mu kyakutaano n'obubonero 320.